# Aba Kawempe balidde

Bya ISMAIL MULANGWA

ABA Kawempe Muslim SS; omutendesi Ayub Khalifa n'omuwuwuttanyi Agnes Nabukenya basitukidde mu birabo by'abaasinze okukola obulungi mu liigi ya Finance Trust Bank FUFA Women Super League omwezi oguwedde.

Baaweereddwa 500,000/ buli omu n'engule y'omwezi ng'omukolo gw'okubakwasa ebirabo bino gwakuliddwaamu omukungu wa Finance Trust Bank, Sarah Gwokyalya eggulo e Nakasero ku kitebe kya bbanka eno.

Nabukenya, okuwangula kyaddiriddde okuteeba ggoolo 2 mu mipiira 4. Mu mwezi gwe gumu yalondebwa ng'omuzannyi w'olunaku mu mipiira 2 egiddiring'ana. Yamezze Catherine Nagadya owa Kampala Queens ne Saidat Namwanje (Kawempe).

Omutendesi Khalifah okuwangula, yayambye Kawempe okwekuumira ku ntikko ya liigi n'obubonero 25. Liigi ekomawo wiikendi eno nga Kawempe ekyaza Makerere ku Valley Grounds e Kawempe.



Khalifah




Nabukenya



obumu n